


# Eryaato lya Sara

Ebitabo bya Zebra Ebitono

Rachel Greer

Luganda

African Storybook.org



Sara alina eryaato.

Eryaato lye dene.
Liri ku lubalama
lw’omugga.



Abakazi abamu bajja ku mugga.
Omukazi omu alina ebaffu y’ebibala.
Omukazi omulala alina enkoko.
Omukazi omulala alina embuzi.
Omukazi omulala alina embuzi bbiri.

Babuuza Sara nti, "Tuyinza tutya okutuuka ku luuyi olulala olw'omugga?"

Sara agamba nti, "Muyingire mu ryaato lyange!"



Olwo, abasajja abamu ne batuuka.
Omusajja omu alina ekyennyanja.
Omusajja omulala alina egaali.
Omusajja omulala alina ensawo ya kasoli.



Omusajja omulala alina ensawo bbiri eza kasoli

Babuuza Sara nti, "Tuyinza tutya okutuuka ku luuyi olulala olw'omugga?"

Sara addamu nti, "Muyingire mu ryaato lyange!"



Ebisolo ebimu bijja ku mugga. Bibuuza Sara nti, "Tuyinza tutya okusomoka omugga?"

Sara agamba nti, "Muyingire mu ryaato lyange!"



Ebisolo biyingira mu ryaato.
Embwa eyingira mu ryaato.
Kappa eyingira mu ryaato.
Enkima eyingira mu ryaato.
Akamyu kayingira mu ryaato.
Enfuddu eyingira mu ryaato.
Engabi eyingira mu ryaato.



Enjovu etuuka ku mugga. Ebuuza nti, "Nnyinza ntya okutuuka ku ludda olulala olw'omugga?"

Sara agamba nti, "yingire mu rya ato lyange!"

Enjovu eyingira mu ryaato. Eryaato lijjula amazzi.

Byonna ebyali mu ryato byabbira. Ebisolo, abantu, ebintu.





Eryaato tono nnyo. Tewali kifo kimala.



Sara agamba nti, "Lindako!
Okusooka nja kutwala abakazi."



Sara agamba nti, "Ekyokubiri, nja kutwala abasajja."



Sara agamba nti "Noluvanyuma, nja kutwala ebisolo.”



Enjovu egamba nti, "Nze ngenda okutambula butambuzi"

Oli wa ddembe okuwanula, okukoppa, okuvvuunula oba okukyusakyusa emboozi eno n’okukozesa ebifaanaanyi kasita oba ng’ossaako mu ngeri eno wammanga.

# Eryaato lya Sara

**Omuwandiisi** -- Ebitabo bya Zebra Ebitono
**Omukubi webifananyi** -- Rachel Greer
**Olulimi** -- Oluganda
**Omutendera** -- Ennyiriri empanvu

© Little Zebra Book 2016
Ebiwandiiko ebiyiiya: Okuwandiika 4.0
Ensibuko www.africanstorybook.org

**2026.06.30**